**24th January 2016.**

# OKUTONDWA KW'OMUNTU.

**Lub. 1:26 – 2:7.**

Obutonde bwonna nga bwe tuzze tusomesebwa, tubuuliddwa nti bw'aleetwaawo Mukama Katonda waffe, okusinziira ku byafaayo ebituweebwa ebyawandiikibwa Musa mu kitabo ky'olubereberye, ekituwa entandikwa za buli kiriwo nga bwe twaabuulirwa mu nsomesa zaffe eziwedde.
Amazima g'ebyo tugalina ng'obukakafu olw'okukkiriza, nga Baebbulaniya 11:3 bwe lugamba nti "………..
Ne kituwa okumanya nti buli kiri mu nsi ya Mukama, kiri mu Kigambo kye mu byawandiikibwa bya Baibuli. Ebyo byonna ebizze bizuulwa n'ebitannazuulwa ba kagezimunnyo biri mu Baibuli ng'amazima agaatuweebwa Mukama nga bwe kigwaanidde. N'olw'ekyo okkontana kw'abyo mu ngeri yonna bukya kumanya kubeerawo kiba kw'olesebwa kwa bulimba gyetuli bwa Ssabalimba Sitaani azze afuba okulimba asobole okubba, okutta n'okuzikiriza obutonde obulungi bwa Mukama Katonda waffe.

Nga tubuulirwa ku nkomerero era entikko z'obutonde bwa Mukama, tugambwa mu ssuula 1:26….. nti……[*Tusome*].

Okusooka, wano we tulabira obusatu mw'omu bwa Mukama Katonda waffe (Trinity) mu lnny.26…..Obwongera okuggibwaayo mu Zabbuli, awamu ne mu Ngero, mu bimu ku byawandiikibwa by'endagaano enkadde, naye obuggibwaayo obulungi mu ndagaano empya, mu njiri ne mu bbaluwa z'amu.

Tulaba n'okutondwa kw'omuntu mu kifaananyi kya Mukama ne mu ngeri ye, okuggyayo okwaawulibwa kw'omuntu ku bitonde byonna abeere n'enkizo ku byonna ekimuweesa obuvunaanyizibwa bw'okufuganga ebitonde ebirala byonna awamu n'obusobozi eri obutonde bwonna.
Okuba mu kifaananyi kya Katonda ssi kw'ekuba nti atufaanana mu ndabika kuba talina ndabika gyeyali atuwadde, ate nga bwe tumanyi nti Mwoyo, taba na mubiri,

naye nga bwe kyeetaagisa okuba n’endabika egwaanidde era yajja gyetuli ng’omuntu era ne bamalaika lw’ebeyolesa gyetuli babeera mu nfaanana z’abantu.
Era okuba mu ngeri ya Mukama Katonda waffe kyanditegeezezza okusinga nti tulina obuntu(personality)- (self awareness), ebisolo n’ebitonde ebirala kyebitalina mu kumanya n’okutegeera awamu n’eneewulira(feelings), n’okusalawo(will).
Awamu n’okuba n’omwoyo ekitusobozesa okutabagana ne Mukama Katonda waffe era ab’embala y’obutaggwaawo.(okubaawo emirembe gyonna).
Zabbuli 8 egamba nti……..
Mukama awa abantu omukisa ogusobozesa okutuukirizibwa kw’obuvunaanyizibwa bwabawa mu lnny. 28……

Mu ssuula ey’okubiri mwe tulabira olunaku oluteekwaawo Mukama okuwummula, ssi lw’akuba yali akooye, naye olw’okumanya kwe obweetaavu bw’okuummulira mu Yye obweetaagwa buli omu ku nsi, era obwaali obw’okutuukirizibwa mu Yesu Kristo….